| Essomo 10 | الدرس العاشر |
|---|---|

# Obukkiriza n'empagi zabwo

Obukkiriza: Kigambo nabikolwa nokukkiriza mu mutima yeyongera kulwokutya Allah at nekendeera kulwa mazambi n'okumujeemera. Era yyo kigambo kya mutima na lulimi era bikolwa byamutima na lulimi nabiyungo okubeera ekigambo kyomutima mu kukkiriza kwo muntu. N'okukakasaakwe, ate neba kigambo kyolulimi kulwokwogera nokwatula kwalwo, era negubeera omulimu gwomutima n'olwokusilamuka kwagwo n'okukola kwagwo kulwokusanyusa Allah. N'okwagala kwagwo emirimo emilongoofu, n'emirimo gyebiyungo kukola ebyalagirwa nakuleka byaziyizibwa. Era kyalaga ekitabo kya Allah Qur'an ne Sunna z'Omubaka SAW nti obukkiriza buno buyina omusingi nga nagwo kwekukkiriza Katonda neba malayika be, n'ebatabobye, n'ababakabe, n'olunaku lw'enkomerero n'okukkiriza okugerakwe ekirungi n'ekibi nga bwagamba Allah mu Surat Baqara aya 285.

"Agamba Allah nti akkirizza omubaka ebyo byonna ebissiddwa gyali okuva eri omuleziwe nabakkiriza nabo bakkirizza, bonna bakkirizza Katonda nebamalayikabe nebitabobye nababakabe, tetwaula wakati w'omu yenna mubabakabe nebagamba nti tuwulidde netugonda tusaba kutusonyiwa ayi Allah mukama waffe era gyoli y'eri obuddo". Era nga bwekyajja mu Hadith eyawandiikwa Imaam Musilim egamba;

Agamba Omubaka SAW mu Hadith ya Umar Bun L-Khatwab nti Juburiilu (alaiyihi Salaam) yabuuza Nabbi SAW kubukkiriza kyekki? Namugamba nti kwekukkiriza Katonda ne bamalayikabe nebitabobye, n'ababakabe n'okukkiriza olunaku lwenkomerero n'okukkiriza okugera kwa Allah nti ekirungi n'ekibi byonna biva gyaali.
Bino ebintu omukaaga byebikola by'enzikiriza entuufu eyo Allah gyeyassa nay ekitabokye ekyekitiibwa era n'atumilwako Omubaka Muhammadi SAW era biyitibwa empagi z'obukkiriza.